# Eyayokya omwana engalo bamusibye emyaka 7

Bya SAUL WOKULIRA



Omwana gwe baayokya.



Nyake

KKOOTI e Kayunga ewadde omukazi ekibonerezo kya kusibwa emyaka 7 oluvannyuma lw'okusingisibwa omusango gw'okwokya omwana engalo ne ziremala.

Akulira abalamuzi ba kkooti ento e Kayunga, John Francis Kaggwa ye yasalidde Malitah Nyake ekibonerezo oluvannyuma lw'omusango gw'okwokya omwana wa mulamu we, Rose Nakanjakko engalo ne ziremala okumusinga.

Nyake okwokya omwana ono yali amulanga kukwata mu ssepiki n'aggyamu ekifi ky'engege n'akirya nga tebakimuwadde.

Oludda oluwaabi lugamba nti, Nyake omutuuze w'e Kiyuuya mu Busaana Town Council e Kayunga, omusango yaguzza mu 2025 nga mu kiseera ekyo omwana yalina emyaka 15.

Omulamuzi yagambye nti, omuwawaabirwa amuwadde ekibonerezo kisaamusaamu kuba akitegedde ng'alina abaana abato mukaaga b'alina okulabirira wabula asuubira nti emyaka egyo we ginaggweerako ng'omukazi ono afunye ekyokuyiga.

Colins Kafeero, akulira ensonga z'amaka n'abaana e Kayunga era nga ye yasooka okumanya ku nsonga zino n'akwata Nyake yagambye nti, ekiboberezo omulamuzi ky'amuwadde kimugwana.

Deborah Nabutono, jjajja w'omwana ono era nga kati y'amulabirira agambye nti, omwana ayita mu buzibu bungi kubanga takyasobola kweyoleza wadde okwenaaza. Yeebazizza kkooti olw'obwenkanya bw'ekoze mu musango guno.